
# Kampala bw'alabika mu nnaku 14 bukya KCCA egoba abakolera ku nguudo

ERIA LUYIMBAZI



Abakozi ba KCCA nga basimba ebimuli mu Kampala

CITY WATCH UG



KCCA yatandise okusiiga obugulumu okwongera okunyiriza ekibuga.

HANNINGTON NKALUBO



Omuddo n'emiti obisimbiddwa ku nguudo okwali abatembeeyi mu Kampala wakati.

Bya HANNINGTON NKALUBO

ENNAKU 14 KCCA nga egobye abasuubuzi ababadde bayiwa ebyamaguzi mu nguudo za Kampala, ebintu 20 ebikyukiddewo, dayirekita Sharifah Buzeki n'alangirira nti pulaani gy'alina okulongoosa ekibuga mpanvu.

Ebikyukiddewo mulimu omugotteko ogubaddewo ku nguudo nga Luwum, Namirembe n'endala okubadde kutundirwa ebyamaguzi gwaweddewo.

Poliisi eraze nti obubbi naddala okunyakula n'okusala ensawo kwakendedde nnyo.

Obucaafu obubadde bukwatiridde ku nguudo naddala ku Ben Kiwanuka, Luwum, Namirembe ne mu Kikuubo bwagobeddwa kuba kasasiro ayoolebwa mu budde.

Bodaboda ezibadde zikwatirira ku Mini Price ne mu bifo eby'enjawulo mu luguudo lwa Non Motorized Transport Corridor (NMTC) zaagobeddwa kati ekifo kyetadde.

Takisi ezibadde zisimba n'ezitikkira ku Burton, Ben Kiwanuka, Kampala Road ne Namirembe Road zaagobeddwa.

Omuddo abasuubuzi mwe babadde batambulira n'okutuula nga batunda ebintu, KCCA eguzizzaawo n'emiti gyonna yatandise dda okugitereeza.

Ebifo omubadde obutale obw'ekimpatiira bisigadde bikalu.

Emyaala egibadde gyawambibwa ng'abasuubuzi bagikolerako waggulu KCCA egigogodde.

Ebizimbe by'abagagga ebibadde bitasiigibwa ng'abasubuzi babitimbako engoye kati byonna byetadde era mu Kikuubo ebizimbe 15 by'ewadde wiiki bbiri nga bitereezeddwa.

Ebidongo ebibadde biwoggana mu kibuga nabyo byagobeddwa.

Omwogezi wa KCCA, Daniel Nuwe Abine yagambye nti buli kimu baakitandikidde mu kibuga wakati oluvannyuma kigenda kusaasaanira ekibuga kyonna era okutundira ku nguudo mu Kampala wonna kwawerebwa.

Yagambye nti mu pulaani ya KCCA engazi, tebaagala kulaba bazimba mu nguudo ne bazifunza n'abakola nga tebalina pulaani.

Omumyuka w'omwogezi wa poliisi atwala Kampala n'emirirwano Luke Owoyesigire yagambye nti mu nnaku 14 zokka, Kampala kati wa njawulo kuba obumenyi bw'amateeka bukendedde nnyo. Yagambye nti KCCA okutereeza ekibuga kyegattirwako ebikwekweto bya poliisi ebyayoola abamenyi b'amateeka.

Ssentebe wa bodaboda atwala Kampala Central, Kanyike Kiviiri yagambye nti KCCA by'ekola bikyusizza ekibuga n'agattako nti, ku Mini Price tewali siteegi n'oluguudo lwonna olwa NMTC era enjawulo nnene. Abattakisi abakolera mu paaka Enkadde basanyufu bya nsusso nti KCCA ekoze kinene okuyambako okubatereereza kyokka waliwo bannaabwe abakyagaanyi okuyingira paaka.

## Abantu bye bagamba



Frank Ssebuggwaawo; Mu nnaku ntono, ekibuga kikyuse. Obulippagano tewali ku paaka, akavuyo ka boda n'abasuubuzi kaggwaawo dda era kati nsaba KCCA etuyambe ffe abattakisi tutikkulire abasaabaze ku nguudo nga tubayingiza ekibuga.



Isaac Jemba; KCCA njaagadde nnyo era ndaba singa etambulira awo, ekibuga kigenda kukyuka. Nsaba abattakisi abakyaliko bakomewo mu paaka ate KCCA eyongere amaanyi mu kutereeza kuba obulippagano n'akavuyo ssaako okuwoggana biweddewo.



Samuel Mayumba; Nze emirimu gyampeddeko. Sikyalina kye nkola naye KCCA ebigendererwa byayo bya kugoba bugobi teyamba. Bandibadde waakiri batufaako nga Gavumenti ne batutegekera naye ekiseera kino abaana baffe tebalina kye balya.



Joseph Ssali; Bingi ebikyuse era buli omu abiraba naye bw'oddira takisi zonna n'ozireeta mu paaka tezigyamu. KCCA eyongere okutegeka naye kati ekibuga kirabika kikyuse nnyo wadde bangi bakaaba.